

Abamu ku baabadde mu lukiiko olwayisizza bajeti. Owookubiri ku ddyo ku bayimiridde emabega mu ttaayi emmyuufu ye Meeya omulonde Ronald Kasekende ate owookuna ku ddyo mu bayimiridde mu maaso ye Mulindwa.

# Aba Nyendo - Mukungwe bayisizza embalirira ya 2026/27 ya buwumbi 8

Bya TONNY NSOONA

ABOOLUKIIKO lwa Divizoni ya Nyendo - Mukungwe mu kibuga Masaka, bayisizza embalirira y'ensimbi 2026/2027, ya 8,255,160,768/-, nga ku zino 6,660,000,000/- zaakuva mu misolo ate 1,594,209,210/- zive mu gavumenti eyawakati.

Mu lukiiko olwakubiriziddwa Sipiika – Joseph Yiga, nga lwetabiddwaamu Meeya Micheal Mulindwa (afuluma) , Meeya omulonde - Ronald Kasekende ne Town Clerk Prosper Tagoba ,baayisizza ekiteeso ekibbula oluguudo mu kitundu kino, mu mannya g'Omutaka Gerald Kizito , olw'okukolera ekitundu kino, mu by'obufuzi n'enkulaakulana.

Bino byabadewo ku kitebe kya Jinja City Southern Divizoni mu kibuga Jinja, abakiise ba Divizioni ya Mukungwe - Nyendo bwe baabadde baggalawo ekisanja kyabwe, Meeya omulonde – Kasekende, we yalangiririidde nga bwajja okulayiziibwa nga May 19 mu kibuga Masaka.

Yayise Abakiise ba Divizoni ya Mukungwe - Nyendo, abalonde n'ababaddewo, okujja ku mukolo ogwo, batwale mu maaso, erinnya eddungi ly'abakoleredde ekitundu kyabwe kino.

Mu kusooka Ssentebe Mulindwa yategeezezza nga ekyabaleese mu kibuga Jinja, kwe kutta n'okunywezza omukago n'aba Divizoni ya Jinja City Southern, okuwang'ana obukodyo mu nzirukanya n'okwekulaakulanya mu nkiiko zombi.